# PLE BIFULUMYE: Abayizi bayitidde waggulu okusinga abaatuula mu 2024

BYA KIZITO MUSOKE

EBYAVA mu bigezo bya UNEB ebya P.7 eby'omwaka gwa 2025 bifulumye nga biraga nti abayizi baayitidde waggulu okusinga bannaabwe abaatuula mu 2024.

Akulira UNEB, Dan N. Odongo bwe yabadde afulumya ebyava mu bigezo by'omwaka oguwedde mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero, yalaze nti abayizi 817,883 be beewandiisa okutuula ebibuuzo by'akamalirizo okuva mu bifo ebituulirwamu 15,388.

Kyokka abaatuulira ddala eby'akamalirizo baali 817,883. Bannaabwe 10,570 abaali beewandiisizza tebaalabikako.

Abayizi 91,990 be baayitidde mu gguleedi esooka (ebitundu 11.39 ku 100) ku bayizi bonna abaatuula. Mu 2024, abayizi 84,301 be baayitira mu gguleedi esooka (ebitundu 10.7 ku 100). Kino kiraga nti beeyongeddeko abayizi 7,689.

Abaayitidde mu gguleedi eyookubiri baabadde 388,293, eyookusatu bali 165,226 ate eyookuna baabadde 84,724. Abaagudde n'enkoona n'enywa bali 77,080.

Abayizi 522,036 (ebitundu 63.8 ku 100) baali basomera ku nkola ya Bonnabasome eya UPE ate bannaabwe 295,847 babadde mu masomero ag'obwannannyini.

Abawala abeewandiisa baasingako abalenzi obungi era nga bwe kizze kibeera mu myaka egiyise. Abalenzi baali 389,469 (47.6 ku 100) ate abawala 428,324 (52.4 ku 100).

UNEB egamba abayizi abaayitidde mu gguleedi esooka bandibadde basingawo, kyokka essomo lya SST lyakubye bangi ne bafundikira nga bayingidde gguleedi eyookubiri.

## BASINZE KUYITA SSOMO LYA LUNGEREZA

Essomo ly'Olungereza lye baasinze okuyita era abayizi 18.5 ku 100 baaliyitidde waggulu era baalaze nti ebibasomesebwa basobola okubiteeka mu mbeera eza bulijjo. Okubala kwe bazzeeko okuyita n'ebitundu 16.4 ku 100, SST n'ebyeddiini baabiyise ebitundu 15.9 ku 100 ne basembyayo Integrated Science gwe baayise ebitundu 15.6 ku 100.

Abayizi beeyongedde okuyita essomo ly'Olungereza kyokka ne baddirira nnyo mu ssomo lya SST.

Ebitundu bibiri byakusatu eby'abayizi baalaze nti bajjukira ebyabasomesebwa kyokka nga bazibuwalirwa okubiteeka mu bulamu obwa bulijjo.


Abayizi ebitundu 16 ku 100 baalaze nti bajjukira kitono ebyabasomesebwa era nga bazibuwalirwa okubiteeka mu nkola. Omuwendo gw'abaayise abasinga baafunye obubonero obuli wakati wa 11 ne 30.

## ABALENZI BAKUBIDDE WAGGULU

Abalenzi be baasinze okuyita okusinga abawala. Ku bayizi abaayitidde mu gguleedi esooka, abalenzi baabadde 48,220 (ebitundu 12.54) ku 100 ate abawala baabadde 43,770 (ebitundu 10.35 ku 100).

Mu gguleedi eyookubiri, abalenzi baabadde 186,638 (ebitundu 48.54 ku 100) ate abawala baabadde 201,655 (ebitundu 47.69 ku 100). Ne bw'otunuulira omuwendo gw'abayizi abaagudde era abalenzi baabaddeko batono.

Abawala beeraze nti bategeera nnyo Olungereza nga bwe kitera okuba, kyokka n'abalenzi ne bakakasa nti tewali abawunyamu mu Maths, SST ne Science.




Dayirekita wa UNEB, Dan Odong (ku kkono ) ne ssentebe wa UNEB ku ddyo nga bakwasa minisita w'ebyenjigiriza Janet Kataha Museveni ebyavudde mu bigezo bya PLE eggulo.

## ABALIKO OBULEMU

Abaliko obulemu 3,636 be baatuula ebigezo ate nga mu 2024 baali 3,328. Abaayitidde mu gguleedi esooka baali 194, gguleedi eyookubiri bali 1,761, gguleedi eyookusatu bali 779, eyookuna-431, abaagudde bali 431 ate abeewandiisa ne batalabikako bali 35.

Kwabaddeko abatalaba, abalabamu ekitono, abatawulira, abaagongobala emikono n'amagulu n'obulemu obulala.

Odongo yagambye nti abayizi baabawadde obuyambi obwetaagisa ng'okubafunira abataputa b'obubonero eri abatawulira, abatalaba bulungi baabawadde empapula eziwandiikiddwa mu nnukuta ennene era abayizi bonna abaliko obulemu baabongedemu obudde mu buli lupapula.

## ABASIBE MAKOMERA

Ekitongole kya UNEB kyawandiika abayizi 61 abali mu kkomera ekkulu e Luzira. Ku abo, abasibe 58 be baatuula ebigezo eby'akamalirizo era 5 ne bayitira mu gguleedi esooka, 27 baayitidde mu gguleedi eyookubiri, 13 mu yookusatu, 5 mu gguleedi eyookuna, 9 baagudde ate abasatu tebaalabiseeko nga kiteeberezebwa nti we baatuulira ebigezo baali baateebwa.

Ekkomera ly'e Mbarara lyawandiisa abasibe 40, era 39 ku bo ne batuula eby'akamalirizo ng'omu y'ataalabikako. Abasibe 7 baayitidde mu gguleedi esooka, 15 mu guleedi yookubiri, 10 mu gguleedi eyookusatu, 5 mu gguleedi eyookuna, ate 2 baagudde.

## EBIGEZO EBYAKWATIDDWA

Odongo yagambye nti omuze gw'okubba ebigezo gutuuse ku ddaala ly'okugulirira be basindika okubikuuma oba n'abalala okubatiisatiisa okubakolako obulabe ssinga bagezaako okulemesa bannannyini n'abakulira amasomero okulagirira abayizi.

Waliwo ebigezo by'abayizi ebyakwatiddwa nga bakoppa era tebigenda kuteebwa okutuusa ng'okunoonyereza kuwedde. Akakiiko ka UNEB akakwasisa empisa kajja kuyita abavunaanyizibwa bennyonnyoleko bwe gwali nga tebannabasalira musango gwa nkomeredde.

Ebigezo ebyasinze okukwatibwa by'a masomero okuva mu disitulikiti okuli; Kisoro, Kampala, Mukono, Namutumba, Kassanda, Buyende, Kaliro n'endala.

UNEB yeebazizza abakulembera disitulikiti okuli; Kyenjojo, Kabarole ne Bundibugyo olw'okusalira omuze gw'okukoppa amagezi kuba gye buvuddeko gye gwali gusinga.

## OKUNONA EBIGEZO

UNEB yategeezezza amasomero nga bwe basobola okufuna ebigezo byabwe okuva ku Centre Portal amangu ddala ng'ebigezo bifulumye. Kyokka abalambuzi b'amasomero mu Disitulikiti, Munisipaali ne City basobola okubifuna ku mpapula okutandika ku Mmande nga February 2, 2026.

Abazadde, abayizi n'omuntu omulala ssekinnoomu basobola okuweereza obubaka bwa SMS ku mikutu gy'amasimu egya MTN ne Airtel.

Odongo yasabye abakulira amasomero okwetegereza ebyafulumye nga ssinga balabako ensobi okugeza mu mpandiika y'amannya, ennaku z'obuzaale n'ebirala, bategeeze UNEB mu bbanga lya wiiki bbiri ng'ebibuuzo bifulumye.




Okuva ku kkono; Hillary Matovu yafunye 7, Gloria Agenorwoth 8, Fortunate Kenga Murungi 11. Bano ba St. Barnabas Primary School Muyenga.